Ekitundu 1

# Omukwano kitegeeza okwagala okukola ebirungi eri buli muntu nabuli kintu kyonna ekya tondebwa katonda munsi etagwaawo.

Okwagala kyeki?

Ennewulira ng'oyagala ekintu ky'osuubira nti kiyinza okukuwa essanyu oba obumativu ng'okifunye.

Ekirungi kyeki?

Ekintu ekyaddala, ekibalagavu, ekituufu, ekyesigwa, ekisanyusa Katonda, n'ebirala.

Ebitonde byonna ebyatondebwa munsi kyeki?

Buli kintu kyonna ekya tondebwa Katonda munsi.

## Ekitundu 2

# Okukulembera n'Okwagala

Obukulembeze kyeki? Woofisi oba ekifo ky'omukulembeze; Obusobozi bw'okulembera; ekikolwa oba akaseera k'okulembera. Embeera eno kyeyetaaga ***bwebukulembeze*** obw'amaanyi!

**Engeri Gyewetwalamu/Bearing** – engeri omuntu gyeyeyisa oba gyeyekumakumamu; engeri omuntu gyeyetwalamu.

**Obuvumu/Courage** – amaanyi ag'obwongo oba mu mutima okugenda mu maaso, okulemerako, n'okusigala ng'oli mugumu okuva eri obulabe, okutya, oba obuzibu.

**Okusalawo/Decisiveness** – Okubeera n'amaanyi n'obusobozi bw'okusalawo obulungi; obusobozi bw'okukola okusalawo.

**Okwesigamwako/Dependability** – Obusobozi bw'okwesigwa oba okwesigamwako; obwesigwa.

**Okugumiikiriza/Endurance** – obusobozi bw'okusigala ng'ogenda mu maaso yadde nga ebintu bizibu oba nga bya bulumi; okubeera n'obusobozi okubeezesaawo okusigala ng'okola n'amaanyi yadde nga bikooya okumala ebbanga eddene; okugeza, okudduka emisinde gimubunabyalo; ekikolwa ky'okulemerako mumbeera y'okubonabona nga towanise; okugeza, obulamu mu mubiri.

**Essanyu lingi/Enthusiasm** – ennewulira ey'amaanyi ey'okwagala eri ekintu ekyamakulu oba ekirungamya okukola obulungi.

**Okulemberamu/Initiative** – okulinnya ekigere ekisooka; okulaga amaanyi n'obumanyirivu okutandika ekintu kululwo nga tolagirwa bantu balala.

**Obwesimbu/Integrity** – okunywerera ddala ku nneeyisa n'amateeka, obulongoofu n'obutakyusibwakyusibwa ebibi. Okubeera awamu, obutamenyebwa era ajjudde.

**Ensala/Okulamula/Judgement** – gwemutendera gw'okukola endowooza oba okwekenneenya ng'ogeraageranya n'okutegeera; obusobozi bw'okukola okusalawo; obusobozi bw'okulamula obulungi; okulamula oba okusalawo okuva eri Katonda.

**Justice/Obulamuzi** – Okakasa nti ebintu bikolebwa mungeri y'obwenkanya n'amazima. Kutwaliramu okukwasaganya enjawukana mungeri eyisa buli omu n'obwenkanya, okuwa ebirabo oba ebibonerezo nga bwekigwanidde. Kikwatagana ku kuteeka amateeka munkola mungeri ey'obwenkanya n'amazima, nga tewali kyekubiira era n'okukola ekituufu. Justice/Obulamuzi era kitegeeza okunywerera ku kituufu, ku mazima,okubeera omwenkanya mu nsalawo, nga oyisa abantu abalala n'obwenkanya awamu n'empisa ennungi.

**Knowledge/Amagezi** – kwekubeera nentegeera ku kintu ennungi, ebiseera ebisinga nga kiva ku bumanyirivu, okuyiga, n'endowooza ku kintu ey'amagezi. Kitegeeza okumanya ku mulamwa nga sayansi oba amasomo ga art, okumanya ku bintu ng'oyita mu ndowooza oba okugoba ensonga, oba amazima n'obubaka abantu byebakungaanyizza okumala ekiseera era ekiyitibwa amagezi.

**Loyalty/Obwesigwa** – kitegeeza okubeera omwesigwa. Okusigala ng'oli w'amazima era eyewaayo naddala eri ekitongole ekikwasisa amateeka nga gavumenti oba obuyinza obwa waggulu. Kikatiriza okubeera omwesigwa n'okusigala nga owagira omukulembeze omutuufu nga ono mwemuli Katonda nga Taata wabuli kitonde kyonna ku nsi.

**Tact/Obusozi bw'okwogera oba okukola ebintu mungeri etanyiiza oba okusobya abalala** – kitegeeza okubeera n'amagezi amwogi oba obumanyirivu ku kiki eky'okukola oba eky'okwogera mu kukwasaganya embeera mungeri ekuuma emirembe n'abalala.

**Unselfishness/Obutemalirira** – nga tewemalirira era okubeera ow'ekisa; omugabi; agabana n'abalala; kisingako okugaba okusinga okutwala.

**Temperance/Okwefuga** – okwefuga mu by'okola, mu ndowooza, oba empulira; bulijjo okulondawo obutagenda nga wala n'eby'oyagala oba ennewulira ku mutima; okwewala oba okwegerera ebintu ebiyinza okubeera eby'obulabe ng'omwenge.

**Fortitude/Obuvumu mu kaseera k'obulumi** – gemaanyi g'obwongo agayamba omuntu okwenganga obulabe, obulumi, oba embeera enzibu awatali kutya yadde okuwanika.

**Prudence/Okusalawo n'obwegendereza** – bwe busobozi bw'okwefuga mungeri ey'okugoba ensonga n'endowooza. Mulimu okukola okusalawo okw'amagezi; okukwasaganya embeera obulungi; okukwata ebikozesebwa obulungi; n'okwegendereza ku bulabe oba ebizibu ebiyinza okuvaamu.

**Tolerance/Okugumiikirizikika** – kwe kukkiriza enzikkiriza oba enkola ezawukana ku zizo, yadde nga zikontana ne ky'okkiririzaamu. Kyekuusa ku kutegeera n'okwagala okufumitiriza endowooza empya. Singa twali tetugumiikirizikika; twandibadde n'ensi ejjudde ebintu eby'enjawulo era embalagavu?

Singa omuntu "yefuula" omukulembeze naye nga talina nneyisa zino, **SI** bakulembeze ba ddala. Babeera bakola nsobi era nga beyisa mungeri ya **kisiru**!

## Ekitundu 3

## Okukolera awamu n'okwagala

Buli omu n'ebintu byonna nga bikolera wamu nga bikwanagana n'omukwano; nga buli kimu kikola ekitundu kyakyo okusobola okuyamba kiki ekirungi era ekituufu okuwangula ensi.

Ekitundu 4

## Obugunjufu buli mu bulabe abavubuka webalekeraawo okufa ku bintu eby’amazima, ebibalagavu era ebirungi nga empisa z’omu bantu, engeri ebintu gyebikolamu mu bantu ababeera mu kitundu, engeri abantu gyebekulakulanyamu obulungi, okulowoolereza ewala, ebifaananyi, eddiini, n’okuyiga ku bikwata ku nsi.

## Weewale obwongo bwo okujjula ennewulira enkyamu, obusungu, okutya, ensaalwa, obuggya, obutesigika, n’obutaagala kukkiriza/kugumiikiriza balala.

Empisa kyeki?

Empisa y’enkola eyamba okutegeera ekituufu n’ekikyamu, ekirungi n’ekibi n’ekiki kyetulina okukola n’obutakola nga tusinziira ku nneeyisa n’obuvunaanyizibwa.

Essomo eryekuusa kungeri abantu gyebabeeramu awamu kyeki?

Kwekuyiga kungeri ebibiina by’abantu gye bikolamu, webikwatagana, n’okubeera awamu n’engeri obubondo bw’abantu gyebukolebwamu , webweyisa, n’okukyuka nga wayise ekiseera.

Enkola y’okulongoosa omutindo gw’obutundu obukola endaga butonde kyeki?

Y’enkola ey’okulongoosa omutindo gw’obutundu obukola endaga butonde ey’abantu nga bafuga okuzaala, ebiseera ebisinga nga bawagira eky’abantu okuzaala abalina obutundu obukola endaga butonde obulungi n’okugaana abalina obutundu obukola endaga butonde obubi obutazaala.

Essomo eryekuusa ku bibuuzo ebikwata ku bulamu kyeki?

Kyekitundu ky’essomo ekitunuulira ebitundu eby’enkizo ng’okulowooza okutuufu (okugoba ensonga/logic), obubalagavu, empisa, okutegeera kiki ekyaddala,n’essomo erikwata ku magezi (epistemology)I, ekigendererwa ekikulu kwekunoonya amagezi.

Ebifaananyi byebiki?

Ebifaananyi ebirungi n’ebibalagavu (okugeza ng’ebisiige, ebibumbe, oba muziki)ebitunuulidde okusingira ddala ku kutondawo obubalagavu sso si migaso oba emikolo egya bulijjo.

Eddiini kyeki?

Obuweereza n’okusinza Katonda, Taata wabuli omu, n’okubeerawo nga tukola ebyo byayagala oba byatulagira tukole mu bulamu.

Essomo eryekuusa ku nkyukakyuka y’ensi kyeki?

Essomo eryekuusa ku kutegeera ensi yonna erabibwa nga terina kkomo era nga yalubeerera.

## Ekitundu 5

Obwakabaka obw'omuggulu buli kumpi.

Bw'oba okkiriza nti Katonda ye Taata wo, osobola okufuuka ekitundu ku bwakabaka bwe, ekikufuula mutabani we oba muwala we.

Mu bwakabaka bwa Katonda, omukwano gutulungamya engeri y'okubeerawo mu bulamu; okwagala Katonda okusinga ekintu kyonna n'okwagala muliraanwa wo nga weweeyagala.

Okubeerawo ng'okola ebyo Katonda byayagala n'okulaga ebikola ebirungi eby'omwoyo omutukuvu mu bulamu bwo obwa bulijjo ly'etteeka ekkulu mu bwakabaka bwa Katonda.

Engeri ey'okusaba –

Katonda, taata wabuli omu, nsaba ompe amagezi, okutegeera, n'okulungamizibwa okusobola okugoberera ebyo by'oyagala n'okutuukiriza eby'omugaso by'onteeketeekedde gyendi. Leka emyo emigezi era egya waggulu ginkulemberemu … (Kozesa eby'okugeza)

Engeri y'okwenenya, engeri y'okwetonda, oba gamba "Nsonyiwa"—

Katonda, Taata wabuli omu, nneemenya era mu mazima nsonyiwa kulwo … (Kozesa eby'okugeza)

# Ekitundu 6

Okulondawo ng'omanyi n'ekigendererwa eky'okulwana katonda kireetera okusanyizibwawo okw'omuntu oba omwoyo lubeerera. Katonda tayinza kuyisibwamu maaso notakisasulira!